# Abayizi balabuddwa ku bubinja n'emikwano ebibawabya



Muleterwa ng'ayogera eri abayizi abaakung'aanidde ku Kololo SS.

Bya ERIA LUYIMBAZI

POLIISI erabudde abayizi ku bubinja n'emikwano gye bakola kuba obumu bwenyigira mu kukola effujjo n'ebikolwa ebimenya amateeka.

Kaminsona wa poliisi avunaanyizibwa ku kutabagana kwa Poliisi n'omuntu wabulijjo, Anatooli Muleterwa bwe yabadde ayogerako eri abayizi okuva mu masomero ga siyina, yagambye nti Poliisi yakizudde nti obumu ku bubinja abayizi bwe bakola bwenyigira mu bikolwa ebimenya amateeka n'okuwabya bannaabwe.

"Poliisi yakizudde nti mu masomero agamu mulimu abayizi abakola obubinja n'ebigendererwa eby'okukola effujjo omuli okulwana nga kino kyalabiddwaako e Mbale abayizi ku ssomero erimu bwe baalumbye ne bakuba munnaabwe ow'essomero eddala. Kino kikolwa kya bumenyi bw'amateeka era abaakikoze baakwatiddwa," Muleterwa bwe yalabudde. Yagambye nti, Poliisi yatandiseewo enkola ey'okugenda mu masomero okwogera n'abayizi okubalambika ku nneeyisa esaanira. Yategeezezza abayizi nti, tebeefuula abeekitalo abatalina kugambwako era n'abakuutira okuwuliriza okuwabulwa kw'abasomesa.

Omuduumuzi wa poliisi ya Kira Road, Sam Ssuubi yagambye nti baatuukiridde amasomero naddala aga siniya ne babasomesa okwekuuma ebikolwa eby'obumenyi bw'amateeka.

Muleterwa yabuuliridde abayizi okwabadde aba Emma High School , Kisaasi College, Kyanja Islamic, City High School ne Kololo SS.